# Ababaka 184 balayidde

## • 3 babadde ba ffamire emu



Among Anita Annet, alayidde ng'omubaka omukyala owa disitulikiti y'e Bukedea. Yabadde ne bba, Moses Magogo eyalayidde ku lwa Buyende East.



Ikiriza Knight, akiikirira aba UPDF ng'alayira.



Jackson Kafuzi omubaka we Kyaka South ne mukyala we oluvannyuma lw'okulayira.



Rebecca Kadaga omubaka wa Kamuli n'abaamuwerekeddeko.

Bya KIZITO MUSOKE, PONSIANO NSIMBI, AMINAH SHAKIRAH NALUGO ne TEOPISITA NAKAMYA

ABABAKA 184 be balayidde ku lunaku olusooka okuli ffamire emu eya minisita eyavuddemu abantu basatu okuli; maama, muwala we ne mugandawe. Omukolo gw'okulayira ogwabadde ku luggya lw'ekizimbe kya Palamenti gwatandise ku ssaawa 2:00 ez'oku makya ng'omubaka Enos Asiimwe (Kabula) ye yasoose okulayira.

Asiimwe eyamenyeka okugulu oluvannyuma lw'okuva ku wooteeri waggulu n'agwa wansi bwe yalumbibwa omutemu w'emmundu ng'ali mu wooteeri ya Court Yard e Lyantonde.

Ffamire ya minisita omubeezi avunaanyizibwa ku nsonga z'abakozi, Esther Davinia Anyakun (mukazi/Nakapiripirit) bwe kuba kunaaba lweza baalunoza. Anti olwamaze okulayira, ne muwala we, Challa Elma Kapel n'alayira ng'omubaka w'abavubuka (Bukiika kkono) ate ne muganda we Cathy Achia naye n'agoberera ng'omubaka omukazi owa disitulikiti y'e Kaabong.

Kyokka waliwo ne ffamire ezaavuddemu omwami n'omukyala abaalayidde okwabadde ;

- Anita Annet Among (mukazi/Bukedea) ne bba Moses Magogo (Buyende East).
- Sam Engola (Erute South) naye yalumizza banne ng'alayira awamu ne mukyala we Betty Awor Engola eyakubye ebirayiro by'omubaka omukazi owa disitulikiti ye Apac.

Waliwo abantu abaawuliddwa nga bakuba emimiro n'okwesiimisa ababaka nga bagamba nti ffamire emu egenda kuyiikamu obukadde 630 ez'emmotoka anti jjukira buli mubaka agenda kuweebwa obukadde 315.

### ABANENE MU GAVT. BALAYIDDE

Ebikonge bya Gavumenti ebiwera byalayidde okwabadde omumyuka wa Pulezidenti, Jesca Alupo (mukazi/Katakwi), Katikkiro wa Uganda, Robinah Nabbanja (mukazi/Kakumiro), Remigio Achia (Pian) eyawerekeddwaako mukyala we akulira abalamuzi ba kkooti enkulu, Jane Frances Abodo.

Among yatambulidde mu mmotoka ya bulijjo ne Magogo wabula nga baasanzeewo ekibinja ky'ababaka abamanyiddwa nti bawagizi ba Among nga bamulinze.

Omumyuka wa ssentebe w'ekisinde kya PLU, Michael Nuwagira, amanyiddwa nga Toyota y'omu ku baawerekedde Among ng'agenda okulayira. Kino kyazzeewo nga waakayita olunaku lumu nga Ssaabawandiisi wa PLU, David Kabanda amaze okufulumya ekiwandiiko mwe yategeerezza nti ng'ekisinde baggyeeko Among obuwagizi bwabwe ku kifo kya Sipiika awamu ne Thomas Tayebwa ku kifo ky'omumyuka wa Sipiika.

Among olwamaze okulayira ne Magogo n'alayira wadde nga ensengeka eyasoose okufulumizibwa Palamenti si bwe yabadde eraga.

Among yategeezezza bannamawulire nga bwatunuulidde okuddamu okulondebwa ku bwa Sipiika bwa Palamenti y'e 12. Wabula bwe yabuuziddwa kyayogera ku kya PLU okumuggyako obuwagizi bwabwe yagambye nti si kye kyabadde ekiseera ekituufu okwogera ku nsonga eyo.

### ABABAKA BAAYAMBADDE NE BATONNYA

Ababaka bangi baayambadde ne batonnya mmooli akabonero akalaga nti olunaku baalwetegekedde. Kyokka nga ku mbaga bwe kutabula musiwuufu, bangi ku baawerekedde ababaka baayambadde batyobatyo. Wadde ng'ababaka baalagiddwa okugenda n'abantu abatasukka basatu, kyokka bangi baayingidde n'abasukkamu.

Kyokka waliwo abaabadde bakisussizza nga bazze n'abawagizi abasukka 100, kyokka tebaabaganyizza kuyingira geeti era baalagiddwa okwerondako abantu basatu bokka.

Abalala baasazeewo okutambula ku luguudo lwa Parliamentary Avenue nga bwe bayisa ebivvulu okutuuka ku National Theatre gye baabadde basimbye emmotoka.

Ababaka ab'enjawulo naddala aba NRM baategeezezza nti ekisanja kino bagenda kulwana okutumbula ebyenfuna mu maka abantu bazuukuke bakole nga Pulezidenti bwe yabalagidde ng'alayira ku Lwokubiri.

# ku lunaku olusoose

## ● Abaagala ebifo bakola kakuyege



Katikkiro Nabbanja n'abamu ku baamuwerekeddeko.


Sarah Babirye Kityo owa Bukoto County East Masaka ng'alayira. Kozesa Digital Experience App olabe vidiyo.

**ABALALA ABAALAYIDDE**

- **Moses Ali (Adjumani West)** ebirayiro teyabikubidde mu lujudde nga yatwaliddwa ew'omuwandiisi omukulu owa Palamenti Adolf Mwesige eyamulayizza.

- **Ismail Muhammad Lomwar (Kotido Munisipaali)** yalaza bw'ali 'Gumite' ng'enjogera y'ennaku zino bwe yawerekeddwaako bakazi be ababiri n'abaana be n'agamba nti olw'okuba bombi bakyala be yabadde tayinza kubaako gwaleka. Abakyala bombi baayambadde ebiteteeyi ebifaanagana.

- **Florence Asiimwe Akiiki (mukazi/Masindi)** yalagiddwa okuddamu okulayira olw'okusooka okulayira ng'akozesa ekitiibwa kya Dokita kye baamugambye nti tekiri ku biwandiiko bye ebitongole.

**Abalala kwabaddeko;**

- Minista w'amawulire n'okulung'amya eggwanga, Chris Baryomunsi (Kinkizi East)
- Minisita w'ebyobulamu, Jane Ruth Aceng (Mukazi \ Lira City)
- Aine Sodo Kaguta (Mawogola North)
- Sarah Babirye Kityo (Bukoto East)
- Sheilah Amaniyo (Mukazi /Mukono)
- Betty Aol Ocan (mukazi/ Gulu)
- Allan Atugonza (Buliisa)
- Kabuye Kyofatogabye (Nakaseke Central)
- David Kabanda (Kasambya)
- Rebecca Kadaga (mukazi/Kamuli)
- Jimmy Kanaabi (Buikwe South)
- Betty Nambooze (Mukono Munisipaali)
- Jackson Kafuuzi (Kyaka South)
- Minsa Kabanda (Kampala Central)
- Timothy Batuwa (Jinja South West)
- Ephraim Kamuntu (Sheema South)
- Charles Kawuma Nsereko (Nakaseke South)
- James Kakooza (bakadde/ Buganda)
- Joseph Kakooza (Buweekula)
- Sheilah Amaniyo (Mukazi / Mukono).

Okulayira kugenda kutwala ennaku essatu nga ne leero gyekuli okutuuka ku Lwokutaano nga May 15, 2026 ng'awamu bajja kubeera ababaka 529.

Obwedda ababaka abaagala ebifo bya Sipiika, n'okukiika mu Palamenti y'obuvanjuba bwa Africa obwedda beetala nga bateega buli mubaka ava okulayira nga bwe babapereereza okubalabira ddala.


Fred Jalameso (Ajuri County) yalabise bw'atyo ne ffamire ye.


Milly Babirye Babalanda owa Budiope West County Buyende (ku kkono) ng'akumba.


Amaniyo Draville Sheilah owa Mukono Disitulikiti .


Ayume Charles owa Koboko Municipality Koboko ng'agenda okulayira.

### Boogedde bye bagenda okukola


Sarah Nanyondo (Omubaka omukyala owa Buyende): Ke ndayidde ng'enda kukakasa nga omwana omuwala aganyulwa mu nteekateeka za Gavumenti kuba waliwo abasinga okunyigirizibwa embeera.


Omubaka Ibrahim Aisu (Paliisa): Nneebaza abalonzi era mbasuubiza okwanja ensonga ezibaluma mu Palamenti okuli amasomero n'ebikozesebwa ebitamala mu malwaliro.


Annet Birungi (akiikirira bakozi): Ng'enda kukakasa nga emisaala gy'abakozi girinnyisibwa naddala egya abasawo, abasomesa, abaamawulire n'okulaba nga abakozesa babawa kontulakiti kwe bakolera.


Timothy Batuwa (Jinja South Divisiojn West): Nneetegese okulaba ng'enguudo ez'ewaffe zikolebwa era nnina we ntuusizza olugendo ekisanja kino we kiggweerako nga zonna zikoleddwa.